Living Hope Ministries

Okuyiga Baibuli

Lukka 2

Simyoni ne Ana

Simyoni (Lukka 2:25-35)

Mumusomo gwaffe guno ogwa baibuli, tutunulira omuntu eyalabikako nga yesu azalidwa era nga yali alindirira nessuubi ddene nyo okutuuka kwa Masiya. Buli ssekukulu lwesembera, tutunulireko ku bye tusuubira n'essuubi lyaffe.

Omusajja Omutukirivu era Eyewayo

Tugambibwa nti Simyoni yali mutukirivu era eyewayo. Yabeeranga mu Yelusalemi era neyesanga mu yekaalu mukiseera ekituufu obutuufu. Yalina essuubi kukujja kwa Masiya era ng'alaba kwakukubagiza wamu n'okubudabuda abantu ba Katonda abaali mukubonabona. Masiya yali wakuleeta essubi elyanamadala! Oluvanyuma lw'ebyobulimba wamu n'obukuusa mukwefuula fula, Masiya omutuufu yali wakuwa essubi elyanamaddala Katonda omuyiza wabulikintu lye yayagala abantu okufuna.

Okutambula ne Katonda

Simyoni anyonyolwako nga eyalina Omwoyo Omutukuvu. Newankubade nga obunabbi bwa Yoweri bwali tebunatukirizibwa, Simyoni yalina obulamu ne Katonda Omwoyo Omutukuvu. Yamanya Katonda natambula ne Katonda era ngalina okutegeer' okukulemberwa kwa Katonda mubulamu bwe. Katonda yayogera naye namulaga nti teyali wakufa paka ng'alabye ku Kiristo omusubize. Ono ye musajja eyasabanga ngatabusabusa, ng'alindirira Katonda bukubirire okulaba nga abantu ba Katonda banunulibwa okuva mubalabe babwe nemukwewayo. Okulindirira kwe tekwali kwa butitiizi era siyeyali alwana obutaffa naye. Okuwulirakwe kwazalibwa ddoboozi lya Katonda nga ayogera naye.

Okutambuzibwa Omwoyo

Nga atamubuzibwa Mwoyo, Simyoni ajja muyekaalu. Yali mukibuga ekituufu, kulunaku lwenyini Yesu lwebalina okumukomola naye yalina okubeera muyekaalu. Tusobola okubeera kumpi ne Katonda wagala okutuweera omukisa naye, paka nga tuli wenyini watwagala tusobola okwongera obutafunamu. Awatali kubuusabusa waliw'a bawere banji abaletelwa mukifo ekyo naye mwabo Masiya y'aani? Simyoni yali amumanyi era gweyasitula. Fumitililiza kukuswala singa yasitulamu omulala! Naye Simyoni alonda bulungi. Omwana gwasitula ye Yesu omwana wa Katonda. Kino takikola lwakumanya kwamwana wamuntu naye okulungamizibwa kwa Katonda. Oluyimba lwe ngabwasitula Yesu, olwaleero ssala emanyidwa ennyo. Okusisinkana Yesu kitegeza nti kati Simyoni mwetegefu okufa. Okusisinkana Yesu, kwe kufuna kusonyiyibwa, ssuubi era n'okununulibwa kw'emirembe ejabuzibwa wamu n'obuwambe bwa Sitaani. Okusisinkana Yesu, kusisinkana Katonda eyategeka obulungi buli kimu era ow'emirembe ejitagwawo. Okusisinkana Yesu, kusisinkana Katonda omulokozi yekka owa'bantu bonna. Yajirirra abayudaaya, abamawanga, banadiini oba abakafiiri. Kiristo yekka yalokola!

Obunabbi bwa Simyoni n'Emikisa

Simyoni ayogera omukisa kubo, wamu n'obunabbi obwokusigala ku naddala Malyamu, obulamu bwe bwona. Yesu wakuleta enajwukana. Abamu bakwagala era bamukirize. Abalala bakumukyawa n'omumuboola. Naye Yesu wakulaba mumutima. Okusalawo kwe n'enkola ye byakugenda mu buziba era byakubeera byamaanyi, so si ebyangu byo kugwa oba ebimpi. Ne Malyamu bwatyo, wakufuna obulumi naye ate nessanyu mukarabo ky'omwana wa Katonda. Si kye kisembayo wakubeera mubulumi abaserekale bwebanafumita embirizi z'omulokoziwaffe effumu, nga bwa bonyabonyezebwa, okukomererwa n'okufa kulwaffe!

Ensonga z'Okutunulira:

1. Tubeera Katonda wayagala, bwayagala?

2. Twandiba nga tusubwa omukisa gwa Katonda n'okubikulirwa, kubanga tuli 'mu kibuga' si 'mu Yekaalu'?

3. Tutegeera omukisa gwa Katonda oba okudamu kwe bwe tukulaba?

4. Twetegese okwogera ekigambo ka Katonda nemimwa gyaffe, wekyetagisiza?

5. Tumaliride okufuna oba okwogera ebigambo nebwebiba nga bilumya oba nga bisomooza?

6. Tuli basanyufu nga twetegekera okuyingira eggulu kulw'okutukirirza enteekateka ya Katonda etukiridde kulwobulamu bwaffe?

Ana (Lukka 2:36-38)

Oluvanyuma lwa Simyoni okuwa omukisa n'obunnabbi, tugambibwa nti waaliwo omuntu omulala mu yeekaalu olunaku olwo ng'alina ekigendererwa kyekimu. Ono yali Ana eyali oba oli awo yali tamanyi Simyoni. Naye nga Simyoni, Ana ayogera ku mulimu ogw'omuwendo ogw'obulokozi, ekireeta n'omwana ono, Omununuzi waffe, okufuukira ddala omusajja era naayingira mu nsi yaffe!

Ana Nnabbi Omukyala

Ana yali nnabbi omukyala era ayogera ku Yesu eri buli omu amuliraanye. Tetulina buwaandiike bwonna ku bunnabbi bwonna obulala bweyali ayogedde naye annyonnyolwaako bulungi mu ngeri eno era tukikakasa Kino - omuntu yenna annyonnyolwaako nga nnabbi taba bubeezi muntu ayogera kigambo kya Katonda, naye yooyo awuliriza Katonda. Tetusobola kwogera Mu linnya lye nga tetumaze kaseera Mu kubeerawo kwe.

Amaaso ga Katonda

Taata wa Ana yali Fanweri, erinnya lye eritegeeza amaaso oba okwolesebwa Katonda era oba oli awo, oyinza okulowooza nti omukyala omukadde ono ow'omuwendo yali alina kyamanyi ku mbeera eno. Okunoonya amaaso ga Katonda, okunyumirwa enkolagana ey'omunda ne Katonda, okussaamu n'okumuwa ekitiibwa kyali Kya ddala gyaali. Ana yava mu ggwanga eritamanyiddwa nnyo erya Aseri, abantu baamu abaakola ekitundu kyaabwe mu kweddiza Kanani naye nebabeera mirembe naaba Phenicians era nebafuuka abatamanyika.

Tetumanyi mu butuufu naye obulamu bwa Ana bwaali oba oli awo bukakali nnyo era oli tayinza kuyamba naye okulowooza nti amaanyi yagajja mu kulindirira Katonda n'okunoonya amaaso ge. Baibuli ayogera ku maaso ga mukama okukyusibwa okudda eri abantu, nga ekiraga okuganja n'ekitiibwa kye okubanga birabisibwa eri amaaso gaabo ababa bamusemberedde. Yesu yakyuusibwa ku lusozi n'amaaso ge negaaka ng'omusana; Musa yalina okubikka olugoye ku maaso ge, kulw'ekitiibwa eky'amaanyi kyeyali alabye; Yokaana, ku kizinga kye Patumo, yalina okwolesebwa okwamaanyi okw'okuzuukira kwa Yesu, eyalina amaaso ng'omusana ogwaaka mu maanyi gaagwo bwonna era n'ekitabo ky'Abaebbulaniya kinnyonnyola Yesu nga okwaaka kw'ekitiibwa kya Taata!

Emyaka ssi Olukomera!

Ana yali mukadde. Nga kyamugaso okumanya nti emyaka gyo'muntu silukomera eri Katonda! Obusobozi Bwe okutukozesa n'okwogera okuyita mu ffe, tekikugirwa myaka gyaffe oba obunafu bw'obuntu.

Namwandu Omwesigwa

Ana yali namwandu. Emiwendo egiweebwa gigamba nti yalina emyaka musanvu gyokka egy'obufumbo nga bba tannafa, n'olwekyo kyalabikanga nga nti yali abadde namwandu okumala emyaka mingi. Okufiirwa omubeezi omwagalwa kyennyamiza nnyo era okuwuubaala nokubeera obwoomu byandiba nga byaali bya maanyi nnyo. Yali yafumbirwa ekiseera kiwanvu ekimala okuba nga yeeyagalira mu mikisa gy'obulamu obugabane (obw'ababiri) naye era bumpi ekimala yye okuwulirira ddala ekiwuubaalo n'okufiirizibwa. Ng'omuntu bwawulira, omutima gwe guteekwa okuba nga gwamenyeka - nnyo okutunuulira - eby'omumaaso. Mu by'ensimbi oba oli awo yalinga akwasaganya omulabe owa ddala, nga abantu beekiseera kye, baalina enkola ntono okufa ku namwandu. Mu ngeri endala, kirungi okukizuula nti okukkiriza kwe tekwajaabulukuka. Yali ayise mu bulumi n'okufiirizibwa naye era yasigaza Katonda we! Obuweereza bwe n'obusobozi bwe okuwulira eddoboozi kya Katonda tebyanafuyizibwa olw'okufiirwa kwe.

Omusinza Omusanyufu

Ana yali musinza yabeeranga mu yeekaalu. Oba oli awo yasulangayo era nga tayosa, ng'asinza Katonda ekiro n'emisana, ng'ayimba n'okulangirira ekitiibwa kya Mukama, ng'asaba buli ssaawa, n'okusiiba. Bino byonna byali bitundu ku bulamu bwe. Ana teyali mukyala mukadde omunakuwavu, yali musanyufu, omukkiriza asinza, ajjudde okukkiriza!

Yesu Omununuzi

Ana yamanya nti Yesu omununuzi, yali azaaliddwa era atwaala omukisa okugamba bonna abaali basobola okuwulira, amawulire amalungi ag'omwana ono. Yesu yali wa kufa mu kifo kyaffe, Yesu yali wa kusasula omuwendo okutusumulula okuva mu buddu eri Sitaani era Yesu yali wa kuvvuunuka okufiirizibwa okunene okwaabawo omuntu bweyagwa mu mutego gwa Sitaani era n'amalala naawakanya Katonda, okuyita mu bujeemu n'ekibi.

Ensonga z'Okutunulira:

1. Tuyigirizibwa okufa ku bannamwandu mu kkanisa. Tubafaako nga bwetulina okukikola?
2. Wakyaliwo ebintu ebyedda ebikyatuziyiza oba tulina obuwanguzi, nga Ana?
3. Kiki ekisinga okuba ekyomugaso gyetuli - kuweereza mu birabo byaffe oba kubeera musinza?
4. Tunoonya amaaso ga Katonda nga tetunnayogera?
5. Tulina kumanya kwenkana ki eri Yesu Omununuzi? Tumwogerako n'obwangu n'obwetegefu?
6. Nga Ana ne Simyoni, tuli beetegefu okusangibwa mu kifo ekituufu, mu budde obutuufu, abeetegese okugabana, mu bwangu n'obuwombeefu, ku ssuubi lyaffe mu Yesu?